# Ekirangiririro Kya New York ekikwata ku Basajja n'abaana abalenzi[1]

**Ennyanjula:**

1. Bwe baali mu lukungaana mu kibuga ky'e New York mu mwaka gwa nkumi bbiri abirimu etaano, ku mukolo ogw'okujaguza emyaka amakumi asatu egy'ekirangiriro ekya Beijing, nga wano we waali emmanduso y'omwenkanonkano,

2. Essira baalisimba ku nnono ey' okuwangana ekitiibwa n'okuba n'emikisa egyenkanankana eri buli muntu, nga bwe kyeyolekera mu kirangiriro eky'ensi yonna eky'eddembe ly'obuntu n'ebintu ebirala byonna ebirerebwamu eddembe ly'obuntu,

3. Okwenyumiriza mu bituukiddwako mu kaweefube w'okulwanirira obwenkanya mu bakyala n'abaana abawala,

4. Kalumanyweera yenna ava ku busosoze obw'enkukunala era obw' olutentezi obukolebwa ku Basajja n'abaana abalenzi mu nsi yonna mu kisaawe eky'ebyobulamu, ebyenjigiriza, mu mbeera z'amaka, obukuumi ku mirimo gyabwe, mu mateeka n'embeera endala nnyingi,[2]

5. Ekisingira ddala okuvaako obuzibu kye ky'okuba nti kyekubiira ono akosaako Basajja bamu n'abamu kino ne kibaleetera okwongera okunyigirizibwa,

6. Kisaanye kimanyibwe nti ennono y'omwenkanonkano okutuukibwako kyetaagisa abasajja n'abalenzi nga bbo abagiganyulwamu okwenyigiramu obutereevu bw'eba ya kutwalibwa mu maaso,

7. Okumalirira okutondawo ensi nga buli muntu, nga tetufudde ku kikulakye, asobola okubaawo nga wa kitiibwa, alina ekigendererwa, n'emikisa egyenkanankana,

8. Okumanya nti enkola n'ennambika eza bulijjo ezikugira abasajja zinafuya amaka, ebitundu byaffe, nabantu baamu nate era,

9. Tukimanye nti bwe tuba n'omwenkanonkano, tuganyulwa wamu ffembi abasajja n'abakazi.

Ku lw'ensi ez'enjawulo, ebitongole ne ku lw'abantu bonna, tulangiridde nti twewaddeyo okusosoowaza ensonga zino wammanga ku lw'obulungi bw'abasajja n'abaana abalenzi:

[1] Ekirangiririro kino eky'e New York eky'abasajja n'abaana abalenzi kisangibwa ku kibanja kino ku mutimbagano: https://www.menandboys.neUdeclaration/

[2] Alipoota n'ebizuuliddwa ku ku ngeri ekkumi n'ebbiri abasajja ze basosolebwamu nabyo biri ku kibanja kino https://menandboys.net

## I. Ebyobulamu n'embeera z'abantu

10. Kyazuulibwa nti obuwangaazi bw'abasajja butono nnyo kw'ogatta obutyabaga enfaafa obuli eyo gye bakolera,

11. Twewaddeyo okukomya ebizibu ebiri mu byobulamu nga:

- Tulwana okulaba nti n'abasajja beenyigira butereevu mu kunoonyereza ku by'obulamu.
- Okuteekawo ebifo we tukolera ku nsonga z'abasajja n'abalenzi ez'obulamu ezibanyigiriza ezirabika nga zaasuulibwa Maguluka.

---

## II. Endwadde z'obwongo n'obulombolombo bw'ebitundu

12. Okukizuula nti emisinde mu nsi yonna abasajja kwe beggyira mu budde gya yiriyiri bw'ogeraageranya ku bakyala, era nti abasajja basumbuyibwa nnyo endwadde z'emitwe, omuli okufa nga ba lujuuju wamu n'okusoberwa ate,

13. N'okukimanya nti embeera z'ebitundu zisobola okuleetera abasajja okwewunika n'okweyawula ku bannaabwe, kino ne kikosa obwongo bwabwe,

14. Era twewaddeyo okukola bino:

- Okutumbula enkola zonna ez'ekisajja ezibayamba okwenyigira mu nsonga z'amaka, okwetaba n'emikwano gyabwe, ab'ebinywi byabwe n'ab'ebitundu byabwe;
- Okuteekawo okukubaganya ebirowoozo okw'olwatu ku bikwata ku ndowooza z'abasajja nga tutondawo embeera ebasobozesa okwekubira enduulu;
- N'okusosoowaza kaweefube alwanyisa okwetta kw'abasajja n'okufa ekituyiro olw'ebyobeera nga bafuna okubudaabudibwa.

## III. Ebyenjigiriza n'okutendekebwa

15. Kimanyiddwa nti abaana abalenzi n'abavubuka, naddala abo abava mu bitundu ebikyali obubi, balina okusoomoozebwa era mu masomero tebatera kukola bulungi,

16. Ebyenjigiriza tuwera okubiteekamu obwenkanya nga:

- Twongera ku muwendo gw'abakiirira abasomesa abasajja;
- Okufa ku bintu eby'enjawulo abaana abalenzi bye bayitamu nga bakula ate;
- N'okuwa kyenkyanyi abasajja omukisa gw'okuweererwa mu matendekero.
- Okulwanyisa obutasoma, ebiremesa okusoma n'abaana abalenzi okuwanduka mu masomero nga tebamazeeko;

## IV. Eby'amaka n'okugabana obuvunaanyizibwa bw'okukuza abaana

17. Nga tetukomye bukomi ku Kya kumanya nti ba taata balina engeri ey'enkizo n' obumalirivu gye bakuzaamu n'okwola abaana, naye n'okutegeera obuzibu obuva mu nkola ezireetera abazadde okubulwa obudde obumala okubeera n'abaana baawe, ate era

18. N'okukimanya nti amateeka agalwanirira eky'abazadde okugabana obuvunaanyizibwa kyenkyanyi obw'okukuza abaana n'okusalirawo awamu-- gayamba abaana okufuna ekyo kyennyini kye beetaaga.

19. Era twewaddeyo okukola na bino:

- Okukendeeza sinakindi n'okumalirawo ddala obuwaayiro bw'ebyenfuna mu teeka ly'amaka obuwa abazadde ebbeetu (ka kibe nga waliwo omuntu owookusatu oba nga taliiwo) okuleetawo oba okutandiikiriza enkaayana mu maka;
- Okumanya nti enjawukana z'abazadde zikosa butereevu abaana ate
- N'okukyusa mu mateeka g'abaana okusobola okukendeeza ku njawukana mu bazadde nga twesigama ku byetaago by'amaka ag'omulembe agalimu okugabana obuvunaanyizibwa bw'ebyenfuna n'okusalirawo awamu.

## V. Obwenkanya n'okwenkanankana mu by'amateeka

20. Okukkiriza nti abasajja baabuwe banyigirizibwa bwe gutuuka ku kukwatibwa ab'ebyokwerinda, okusalirwa ekiboneeezo, okulumirizibwa, okusibwa na byonna ebitambula ng'amateeka bwe galagira,

21. Era tweyama okukola tuti:

- Okukakasa nti enkola ey'amateeka egobererwa mu kkooti n'obukiiko bwonna;
- Okukkaatiriza enkola ey' okunoonyereza era n'okuyisa abo abatannasalirwa misango mu ngeri esaanira; ate
- Okukyusa mu nkola ey'amateeka abasajja nabo baleke kuyisibwa nga bya ku ttale nga bazizza emisango ne mu kkooti z'amaka.

## VI. Obukuumi ku mirimo

22. Okukimanya nti ebizibu n'obusandali ebiba eyo ku mirimo obusinga bunenyezebwa ku basajja,

23. Tweyamye okukola bino:

- Okwongera ku bukuumi ku mirimo n'okuyimusa omutimdo ko n'ebyokwerinda;
- Okwongera amaanyi mu basajja basome emirimo egitali gya bulijjo nga, obusawo obusomesa; wamu
- N'okuwa abasajja obukugu n'omukisa okukola mu makolero agatandikibwawo okuzzaawo emirimo egibadde gibafudde olw'ensi okufuulibwa omutala gumu n'okukozesa ebyuma.

---

## VII. Obwenkanya ku ba taata

24. Kya mazima nti abasajja bammibwa obwenkanya ku nsonga z'okuzaala, omuli okusibibwa abaana be batazaala, okubinikibwa obuvunaanyizibwa bw'okulabirira abaana, era tebalina buyinza ku baana abagambibwa nti endagabutonde ze balina za ba taata babiri n' okummibwa omukisa okusalawo ku baana ab'okukuza,

25. Tweyama tuti:

- Okukakasa nti bombi abakazi n'abasajja balina obuyinza bwe bumu ku baana abajjira mu mbuto za banyaabwe nga si ba musajja ono ayogerwako;
- Okukyusaamu mu nkola z'amateeka g'abaana okulaba ekikolebwa ku ssente omusajja z'aba afiiriddwa ng'alabirira omwana atali wuwe; era
- N'okwongera mu maaso enkola ezitumbula obwenkanya, okwogerezeganya ne buli omu okuwa munne ekitiibwa n'obwenkanya mu nsonga z'okuzaala.

---

## VIII. Obutanguko n'okuwaayiriza

26. Kya ddala nti abaana abalenzi n'abasajja bagwa nnyo mu bizibu by'obusambattuko, okutulugunyizibwa, n'okubuzibwawo, naye eky'e nnaku nti bino byonna tebitwalibwa nga nsonga , era bangi abakoseddwa babulako omuntu yenna ayamba,

27. Okumanya nti okusinziira ku nkumi n'enkumi z'ebinoonyerezeddwako kikakasiddwa nti abasajja nabo kyenkana bali Kimu n'abakazi mu kukosebwa obutabanguko obw'omu maka n'obusamabttuko, ate

28. N'okumanya ebizibu ebiba mu mawulire ag'obulimba nga gakuba butereevu abasajja okusingako ku bakazi,

29. Tumaliridde okukola bino:

- Okwesigama ku nkola ezaawamu ezikulembeza obujulizi n'okunoonyereza ku nsonga, kw'evudde n'ebiddirira ng'abasajja batulugunyiziddwa;
- Okutuusa obuweereza obw'obwenkanya n'obukuumi eri abasajja abagudde mu buzibu bw'obutanguko; ate
- Okubaako n'ekikolebwa okuziyiza obuzibu obuleetebwa engambo ezibungeesebwa.

## IX. Ebifulumizibwa ku mikutu gy'empuliziganya

30. Mu kyo,ekifaananyi ekisiigibwa mu mikutu gy'empuliziganya gyonna ku basajja tekikoma bukomi ku kubatyoboola naye n'abalina kyebakoze bavvoolebwa,

31. Tusazeewo okukola bino:

- Okumanyisa emirimo enfaafa egikolebwa abasajja mu by'obukulembeze, mu kuzimba, mu kulabirira era ne mu kuba ba taata;
- Okutumbula okukiirirwa okulaba amazima n'obwenkanaya eri abasajja n'abalenzi ku nsonga ezimanyiddwa obulugi; ate
- Okusitukira mu mawulire agataggyayo bulungi bulumi basajja mwe bayisibwa, obuvune oba engeri endala yonna ey'okubonyabonyezebwa.

## Okuwumbaawumba:

32. Tukkiriziganyizza nti okunyweza bino byonna twetaaga okukolera awamu ng'ebitongole by'ensi yonna, gavumenti z'ensi, bannamateeka n'abantu bassekinoomu,

33. Kye tuva tusaba bonna abakwatibwako okukola bino:

- Okulafuubana okutumbula obwenkanya mu basajja n'abalenzi;
- Okulwanyisa abasajja ba ddikuula;
- Okwongera amaanyi mu kunoonyereza n'enteekateeka ezoogera ku bizibu by'abasajja;
- Okukwanaganya ebyetaagao by'abasajja n'abalenzi ebyomunda mu nsi zaabwe n'ebweru.